| Essomo 1 | الدرس الأول |
|---|---|

# ENNAMULA Y'OKUSIIBA

Okusiiba Ramadhan mpagi mu mpagi z'Obusiraamu ettaano, ku lw'ekigambo ky'Omubaka Swalla Llahu alaihi wasallama mu Hadiith eyawandiikibwa Imam Bukhaar ne Imam Muslim (nga yayogerwa Ibn Umar) nga Omubaka wa Allah swalla Llaahu alaihi wasallama yegamba nti:

عَنِ ابْنِ عُمَرَ رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمَا، قَالَ: قَالَ رَسُولُ اللهِ صلى الله عليه وسلم: "بُنِيَ الإِسْلاَمُ عَلَى خَمْسٍ شَهَادَةِ أَنْ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللَّهُ ، وَأَنَّ مُحَمَّدًا رَسُولُ اللهِ ، وَإِقَامِ الصَّلاَةِ ، وَإِيتَاءِ الزَّكَاةِ وَالْحَجِّ ، وَصَوْمِ رَمَضَانَ". (متفق عليه).

**''Obusiraamu bwazimbibwa ku mpagi ttaano; okukkiriza (n'oyatuza n'olulimu lwo nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah, era ne Nnabbi Muhammad mubaka wa Allah, n'okuyimirizaawo esswala, n'okutoola Zakah, n'okukola Hijja n'okusiiba omwezi gwa Ramadhan''.**

**Okusiiba kye kki?**

Okusiiba kitegeeza okweziyiza okulya n'okunywa, n'obuteegatta mu nsonga z'obufumbo nebirala ebisiibulula, okuva enjuba lwevaayo okutuusiza ddala nga egudde, nga kino okikola n'enniya eyokukusembeza eri Allah.

Okusiiba kuno okwa Ramdhan abamanyi beegatta ku bwetteeka bwakwo nga Allah bw'agamba mu Quran mu Surat Al Baqara: Aya 185, nti:

قال تعالى: ﴿ فَمَنْ شَهِدَ مِنْكُمُ الشَّهْرَ فَلْيَصُمْهُ ﴾ [البقرة:١٨٥].

**''...n'oyo yenna abanga asanzeewo omwezi (gwa Ramadhan) agusiibe...''.**

Okusiiba kuno kwa tteeka ku buli Musilamu yenna akuze mu myaka era ategeera atali mulalu, so nga obukulu obutegeezebwa wano ye muntu okuweza emyaka ekkumi n'etaano oba okumera enviiri ku mubiri gwe mu bifo eby'ekyama, oba okuvaamu enkwaso (ensigo y'obuzadde) olwokwelotolela n'ebirala. So nga yye omukyala yeeyongelako okugenda mu nsonga zaabwe **(heidh),** era omuntu w'afunira ekimu ku bino oyo abeera akuze mu Busiraamu.

## OBULUNGI BWOMWEZI GWA RAMDHAN

Allah owekitiibwa omwezi gwa Ramdhan guno yagusukkulumya ku myezi emirala n'agussaamu ebirungi bingi ebitasangibwa mu myezi mirala, nga ne birungi ebyo mwe muli bino wammanga:

**1.** Bamalayika ba Allah basabira omusiibi Allah amusonyiwe okutuusa lw'asiibulukuka.

**2.** Mu mwezi guno sitaani enneewagguzi zirijjibwa ku njegere.

**3.** Mulimu ekiro Allah mwe yagerera buli kimu **(lailatul qadiri),** nga ekiro kimu kisinga ebiro bya myezi lukumi **(1'000)** mu mpeera.

**4.** Era ne mu bulungi obulala obuli mu mwezi guno, kwe kuba nti abasiibi basonyiyibwa ebibi byabwe mu lunaku olusembayo mu Ramadhan.

**5.** Waliwo ne Allah b'ata okuva mu muliro mu buli kiro kya mwezi gwa Ramadhan.

**6.** Umura gy'okoledde mu Ramadhan empeera zaayo zenkana n'empeera za Hijja.

Era Omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama yalaga obulungi buno mu Hadiith eyawandiikibwa Imam Bukhar ne Imam Muslim n'agamba nti:

**''Yenna asiiba omwezi gwa Ramadahan nga mukkiriza era nga asuubira empeera okuva eri Allah asonyiyibwa ebyonoono bye yakulembeza okukola mubyo''.**

Era yagamba swalla Llahu alaihi wasallama mu Hadith era eyawandiikibwa Imam Bukhar ne Imam Muslim nti:

**''Omulimo gwonna omwana wa Adam gw'akola gwongezebwa empeera okutuusa lwe zituuka mu lusanvu, agamba allah eyayawukana nti, okujjako okusiiba nze nkusasula (amakulu zzo empeera zaakwo teri ayanza na kuzibalirila nze nzekka nze nzimanyi)''.**